# OKUKOLA EKINTU AK'OKWEYAMBISA MU KUNAABA MU NGALO

**Olupapula oluliko Ebyokusomesa abantu**

## Eby'okukozesa bye weetaaga:

1. Enkondo 2 (nga za mita 2 obuwanvu, ate nga zirina amakabyo
2. Obuti obulala bubiri nga akamu ka kuwanirira kadomola ate akalala ka kuteguza nga weeyambisa ekigere
3. Omusumeeni ogw'okusala emiti
4. Emisumaali okuva ku yinki 8 okutuuka ku 11
5. Ekiwero oba magalo





6. Omuliro
7. Ekitiiyo /ekifumu
8. Ebitundu by'emiguwa bibiri (obuwanvu bwa ½ mita ate omulala mita 1 kw'onoolinnya)
9. Akadomola aka liita 3 oba 5
10. Ssabbuuni
11. Akabaawo nga kenkana obuwanvu bwa ssabbuuni
12. Sikuludduleeva oba ekyuma kyonna eky'okuwummula akatuli mu ssabbuuni
13. Amayinja ag'okuteeka mu kinya omunaayiika amazzi

## Engeri y'okuzimbamu eky'okunaabisa engalo:

**1** **Sima ekinnya.** Funa akadomola akayonjo aka liita 3 oba 5 nga ka pulaasitiika. Lamba w'oyagala okuwummula akatuli wansi w'ekisaanikira mu buwanvu bwa yinki 12.



**2** **Yokya omusumaali.** Weeyambise magalo oba ekigoye oteeke omusumaali ku muliro.



**3** **Wummula ebituli.** Weeyambise omusumaali ogwokya owummule akatuli ekisooka mu kadomola n'akatuli eky'okubiri mu kisaanikira.





**4** **Yisaamu omuguwa.** Yingiza omuguwa omuwanvu (mita 1) mu katuli ky'ekisaanikira. Ekitundu ky'omuguwa ekisemba wansi ky'oba osooka okuyisaamu ekitono kye kiba kisemba munda mu kisaanikira.



**5** **Ekituttwa ky'omuguwa.** Siba ekituttwa ku muguwa kibeere nga kitudde munda w'ekisaanikira awatali katuli. Ddamu osibe bulungi ekisaanikira ku kadomola. Ekituttwa kati kiba kiri munda w'ekisaanikira nga ekitundu ky'omuguwa ekisigadde kiri kungulu.



**6** **Sibako akati (ak'okulinnyako ekigere).** Siba akasongezo k'omuguwa ku muti oguweza mita nga 1. Omuti gujja kuba guyingiddwa ku kadomola nga weeyambisa omuguwa. Kino kikola nga emmanduso gy'olinnyako okwefukirira nga weeyambisa akadomola kano. *Osobola okukyusaamu mu buwanvu bw'omuguwa singa kiba kyetaagisizza, ku mutendera ogw'e 11.*



Bijjiddwa mu katabo akayitibwa: "How to Make a Tippy Tap– A hygienic handwashing device with running water."
Authors/Photos: Mark Tiele Westra. Werkgroep ntwikkelings Technieken (WOT); University of Twente, the Netherlands; Henk Holtslag Connect International.

USAID FROM THE AMERICAN PEOPLE | HIP HYGIENE IMPROVEMENT PROJECT

THE REPUBLIC OF UGANDA
Ministry of Health

Plan Be a part of it.

**7** **Wummula akatuli mu ssabbuuni.** Nga weeyambisa ekintu nga sukulud-uleeva, akati) genda nga okisindika okyetoolooza mpolampola mu ssab-buuni omufumitemu ekituli.



**8** **Yisaamu omuguwa.** Yingiza akagu-wa akookubiri (ak'ekitundu kya mita) mu kituli ekiri mu ssabbuuni omusibe ku kati.



**9** **Teekamu amazzi.** Jjuza amazzi mu kado-mola ogakomye awali akatuli.



**10** **Samba enkondo mu ttaka.** Funa ekifo ekituufu mw'oyinza okuteeka akadomola kano. Kandibadde mu kifo abantu we batera okunaabira engalo okugeza nga mu (kiyungu oba okuliraana kaabuyonjo). Sima ekinnya wansi awo we banaabira engalo oteekemu amayinja.



**11** **Wanika akadomola, emmanduso wamu n'akaguwa okuli ssabbuuni.**

- Yisa akati mu mukonda gw'akadomola okateeke wakati w'enkondo. Akado-mola kajja kuba kalengejjera wakati.
- Akaguwa akaliko ssabbuuni nako kajja kuba kalengejjera ku muti guno. Bw'oba tolina ssabbuuni funa akakebe osseemu evvu.
- Fuba okulaba nga omuguwa ogukola ng'emmanduso osobola okuguseeseet-ula. Gulina okubaako obuwanvu bwa yinki 15 okuva wansi.



**12** **Sima ekinnya omunaayiika amazzi.** Sima ekinnya (nga obugazi kya yinki 40 ku 40 ate nga kikka yinki 20) wansi w'akadomola amazzi we gajja okuyiika. Ekinnya kino kye kinywa amazzi ekifo kino ne kitabaamu bisooto era n'ensiri obutazaaliramu.



## Engeri y'okukikozesaamu:

Wunzika akati ng'okozesa ekigere. Akado-mola kajja kwewunzika amazzi gayiike nga gayita mu katuli. Naaba engalo ne ssabbuuni (oba evvu). Ddamu olinnye ku kati akadomola keewunzike onyumunguze engalo zo.



## Engeri y'okukuumamu: akadomola kano

1. Bulijjo laba nga kalimu amazzi.
2. Kooze singa olaba nga kaddugadde munda ne kungulu.
3. Teekawo ssabbuuni omulala (oba evvu eddala) singa biba biweddewo.
4. Emiti bwe gikaddiwa gikyuse oteekewo emirala ekintu kireme kumenyeka.